# Atunda Sikulaapu aggyibwako misolo ki?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa *Bukedde*. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.



Loole okutikkiddwa sikulaapu atwalibwa okusasaanuusibwa

## BUUZA KAMISONA




Akulira URA, Musinguzi.

**James Bwogi e Mpereerwe, Ssinga ntikka sukulaapu okumutwala gye basaanuusiza ebyuma, nsasula ntya omusolo?**

Mwami Bwogi, bw'oba okola omulimu gw'okukung'aanya sikulaapu, weetaaga okuba nga wawandiisa bizinensi yo ku musolo. Bw'otuuka okutwala sikulaapu okumutunda eri abamusaanuusa, tutunuulira ennyingiza n'ensaasaanya yo, olwo ne tubalirira omusolo gw'oteekeddwa okusasula ku magoba.

Mu mbeera y'emu, gw'oguza sikulaapu ateekeddwa okukuggyako ebitundu 6 ku 100 (6%) ez'omusolo ogumanyiddwa nga Withholding tax nga kino kibaawo ssinga otunda ensimbi ezisukka mu kakadde kamu ate nga ne gw'oguza yaweebwa olukusa okukuggyako ensimbi ezo.

**Mugyebale gye muweereza, mbuuza misolo ki emipya gye tulina?**

Obudde buno, teri musolo mupya, okuggyako ennongoosereza ezaakolebwa mu misolo egyasangibwawo mu mwaka gw'ebyensimbi 2025-26.

**Ekisonyiwo kya URA ku misolo kye mpulira kikoma June 30, 2026?**

Yee. Ekisonyiwo ku musolo (tax waiver) kikoma nga June 30, 2026. Wano, omuntu yenna abanjibwa omusolo (Principal Tax) okutuuka nga June 30, 2024, bw'agusasula nga nsalessale oyo waggulu tannayita, asonyiyibwa amagoba n'engassi ebyamussibwako ku musolo ogwo.

**Njagala kumanya oba kituufu nti Pulezidenti Museveni ssente z'akozesa mu kampeyini nazo ziva mu URA?**

Obuvunaanyizibwa bwa URA bwa kugereka, kukung'aanya na kuwa mbalirira ku musolo. Omusolo ogukung'aanyiziddwa guweerezebwa mu kittavvu ky'eggwanga (consolidated fund). Kino kikolebwa okusinziira ku mateeka g'omusolo agaayisibwa olukiiko lw'eggwanga olukulu.

**Omusolo gwe tusasula mu Kampala, Gavumenti egukozesaako? Anti enguudo mbi, simanyi oba bayitako e Nateete?**

Ku nsimbi entonotono ezikung'aanyizibwa KCCA, mulimu obuvunaanyizibwa okuddaabiriza enguudo ez'enjawulo nga n'olw'e Nateete mwe tulutwalidde.

Kyokka, oluguudo luno lugwa mu buvunaanyizibwa bwa minisitule y'ebyentambula, era enteekateeka weeziri okulumaliriza mu bbanga eritali lya wala.

**Lwaki bwe tuba tusasula omusolo gw'amayumba temutufunira ennamba emu kwe tusasulira (identifier number) okusinga buli mulundi okutufunira PRN buli lwe tuba tusasula?**

Waliwo enteekateeka y'okuweebwa nnamba emu nga y'eyawula nnannyini kizimbe oba nnannyini mayumba ku mulala mu bitundu eby'enjawulo. Kino kikyabagibwa wakati wa URA, KCCA ne gavumenti ez'ebitundu. Bwe kinaaba kiteereddwa mu nkola, buli landiroodi waakufuna ennamba eyo, naye nga si kyakuggyawo kukozesa nnamba kusasulirwa musolo (PRN), kuba eno y'esasulirwako omusolo n'ebisale ebirala.

## Tuweereza tutya obubaka ku kusaba ekisonyiwo ku musolo?

**Nsaba mutubuulire email kwe tusobola okusindika okusaba kwaffe abaagala ekisonyiwo ky'omusolo kuba sigimanyi?**

Ekisonyiwo kino ku musolo tekyetaaga kuweereza bubaka bwonna okusobola okukiganyulwamu. Ky'olina okukola, kumanya musolo ogukubanjibwa okutuuka nga June 30 2024, okole ku nteekateeka y'okugusasula (Generate Payment), oluvannyuma ogusasule. Wano, amagoba n'engassi bya kukusonyiyibwa butereevu. Jjukira nti osobola okusasula omusolo guno mu nkola ya kibanjampola nga buli lw'okendeeza ku musolo ogukubanjibwa, amagoba n'engassi bikusonyiyibwa okusinziira ku bitundu by'oba osasudde ku buli kikumi.

# Omulunzi n'omulimi naye alina emisolo gy'asasula?



Omukozi ng'agabirira ente.

**Omulunzi n'omulimi naye alina emisolo gy'asasula era gye giruwa?**

Omuntu yenna oba kkampuni eyeenyigira mu bulimi n'obulunzi ku mutendera gw'okutunda (commercial farming) asasula omusolo ku nnyingiza ku by'aba atunze, bwe biba bitundiddwa ku muwendo ogukkirizibwa okuggyibwako omusolo. Kyokka ebintu ebiva n'ebikozesebwa mu byobulimi bingi byaweebwa obuweerero ku musolo okugeza, mu tteeka ly'omusolo gwa VAT, ebiggyibwa mu byobulimi n'obulunzi tebisasulirwako musolo gwa VAT ebbanga lye bimala nga tebinnagattibwako mutindo, kuno ssaako n'ebikozesebwa mu byobulimi n'obulunzi okuli tractor, ebinywerwamu n'ebiriirwamu enkoko, obuuma obukozesebwa okufuuyira ebirime, ebyuma ebiyamba okukama ente n'embuzi n'ebirala.

### KU MISOLO EGIKUNG'AANYIZIBWA LWAKI ENGUUDO ZAFFE MBI?

**Lwaki enguudo n'amalwaliro bikyali mu mbeera mbi wano mu ggwanga ng'ate ssente URA z'esolooza oluvannyuma lw'okutubinika omusolo omuyitirivu, zigambibwa okuba nga ziteekeddwa okukola ku nsonga ezo?**

Ekitongole kya URA kivunaanyizibwa ku kukung'aanya musolo ne guweerezebwa mu ggwanika ly'eggwanga n'ekigendererwa ky'okutuusa obuweereza ku bantu. Ensimbi ezo bwe ziweerezebwa, minisitule y'ebyensimbi ezitemaatema ne ziweerezebwa mu bitongole eby'enjawulo okuli ebyokwerinda, ebyobulamu, ebyentambula, ebyenjigiriza n'ebirala. Obuvunaanyizibwa bw'okulondoola engeri ensimbi gye zisaasaanyizibwamu mu malwaliro n'enguudo mu ggwanga bwa minisitule okuli ey'ebyobulamu n'enguudo nga ziyambibwako Ssaababalirizi wa Gavumenti (Auditor General) ne kaliisoliiso w'eggwanga okukakasa nti teziwuwuttanyizibwa.



Oluguudo omuli ebinnya.